KABUVUKA EMYAKA EGYO KUPANGIRIRA

Posted by ssewa - 2008/07/21 07:13

Mbade wano nga nejukiza wa gyenvude..nenzijukirayo bino ate nenesekerera...emyaka gyange egyobuvuka gyali mizibu..nga gijude obwavu naye ate nga nokwegomba ebirungi kundibubi...mubingi bye negombanga ge gali amazina.

Wabula twali bavubuka begenderevu,twali nga tukyeza embali...nensi netwewunya..nalina akasati kange akamyufu..era nga kukyalo bankazako lyakamyufu..buli awali nga akabaga nga kensulamu..oba kugenda ku kanisa,oba ka disco..wabula akasati ako nakakolerela okagula nakolera holiday nga zali satu okuweza sente ezakagula,era nakagula ku mukulu wange.

Mu disco eyo walingayo ebikemo ebyamanyi..gamba nga okukwana:era omuze guno tegwalera bavubuka nsimbi munsawo..anti nga buli lwagenda okuzina alina okutambulamu nobutambala obupya ngabuna bwanagabira abawala,mpozi ne zokugulira abawala omubisi ne namungodi.

Twatula wansi nze"kamyufu",ne munange "kagato"..yalina kagato nga sole ya lubawo era nga yewala okugitambuliza ku mayinja,nabala..netutesa nti tukoze tutya okulaba nga tusigala tukuba endongo naye nga wade tetwalina nsimbi sisanyusa bawala.

Kagato kyava agamba nti mubutufu nze wemalira okuzina,entuuyo zembera nzitulukuka zisobola okujuza gama nga satu naye ekibi ziba ziwunya nyo ..era waliwo omuwala eyali akiriza okumpa omunyigo naye olwekivundu noluyimba tetwalutuka wakati nga yankubye dda omwenda....nawulirirza naye sayagala kusayo kyange ye ate nze nalinawo enjawulo????

Omanyi kusawa awo nga kumi kuminemu watera okubaawo obuyimba bwa slow...awo wewasinga ebikemo,okugaba obulabo,ate nabalinanga obusobozi nga badayo betise...

nafe netusalawo nti okwewala ebyo..tukonenga endongo buli kakodyo tukagyeyo naye esawa eri wetukira,tuja kuba twatotobanye dda...nga entuuyo tuzisaza bibatu..muwala ki alitwesembereza...

Bambi obukodyo bwafe bwatukolera...banafe abalinawo abamu twabazika.....abalala basibira mumakomera..abalala tetumanyi mayitire...

kabuvuka ono???.....wabula oba enaku zino abavubuka bo obulamu babutambuza batya....kubanga emirembe mingi,sente weri..naye ate nga embeere ate mbi nyo okusinga kuyafe.....

Paulo Ezra

==========

Re:KABUVUKA EMYAKA EGYO KUPANGIRIRA

Posted by JeenaJulia - 2008/07/21 20:23

Ssewa oyogedde ku kavubuka nonzijukiza ebisela byobubaluwa obwayisaganya nga mu field za NGO_NGA,NGO-SUNSA,NGO-BINGOS..SMACK-NGA..MWI-NYANGE namasomelo amalala mangi nyoo to mention but those.Mwana gwe nga bwotafuna kabaluwa nga buli omu agya kulaba nga Dr.Mulela.Obubaluwa tebwandibadde kikulu naye contents zabwo nga muyinza okwesanga nga bana nga mwena introduction ye baluwa zamwe yemu...

Flamboyant babe..

How are u smoking the atmospeheric condition over there?Down here books are tantalizing us concomitantly,but my love for you still keeps me going till lake Victoria dries up....nebyagendela ngako binji nyoo.

Sijja kwogela bingi kukino but those were the days...:lol: :lol: :lol:

==========